



Emitwe Gy'Ebikulu Ebifa Ku Mbeera Y'ebirime Eby'embala
Engunje Ebyettunzi Munsi Yonna : 2013

Bya Clive James, Omutandisi era Ssentebi Eyawummula
Ow'Ekitongole kya ISAAA

*Kulw'okujukira emyaaka 100 omugenzi Norman Borlaug, Omuzira w'omuddaali gwa Nobel, era
Omuyima eyasooka ow'e Kitongole kya ISAAA,
bukya azaliibwa; aganatuuka ku lwa 25 March 2014*

OBUKAKAFU KKUMI OBUKWAATA Ku Birime Eby'embala Engunje Ebyetunzi Mu Gwe 2013

OBUKAKAFU OBUSOOKA; 2013 gwe mwaaka ogwe 18 mubuwanguzi bwettunzi lye bimera ebyembala engunje. Ebimera ebyembala engunje byasookera ddala okussibwa ku ttunzi mu 1996. Hekitaya z'ebimera ebyembala engunje zeyongera buli mwaaka okuva mu 1996 okutuuka mu 2013, nga kumi nebiri kw'egyo gyayoleka okulinnya kwa bitundu ebisukka mu kkumi, ekyoleka obumativu n'obwesigwa obwo bukadde n'obukadde bwabalimi munsi yona (bano nga batera okwekengera enyo ebifiiriza nga bewala okubuukira amangu enkola empya zebatamanyidde) mu mawanga agaakula edda n'ago agakyakula. Ekyewuunyisa kiri nti okuva kukusiga kwe birime bino okwasooka mu 1996, okwetyongera kw'obungi bwa hekiteya okutabangawo okwe birime bino okusukka mu kawumbi 1.5 kekakalimwa obulungi ddala; bwe bunene bwe bibanja obusukka mu mugatte gwettaka lyonna erya China oba United States ebitundu 50 ku buli 100.

OBUKAKAFU OBWOKUBIRI. Hekiteya ze birim'ebiyembala engunje zeyongera emirundi egisukka mu 100 okuva ku kakadde 1.7 mu 1996 okutuuka ku bukadde 175 obwa hekiteya z'ennimiro zino mu 2013. Kino kifuula ebimera bino eby'embala engunje okuba tekinologiya we birime asinga okwettanirwa munsangi zino- kulw'ensonga nti bizza emigaso. Mu 2013, ennimiro z'ebimera bino zeyongera mu bungi obukadde 5, kwe kulinnya kwa bitundu bisatu ku buli kikumi mu mwaaka. Naye ate genderera nti waliwo no kulinnya okutonotono no kusimba okugenda mu maaso okuteberezebwa mu myaaka emitono egijja mu maaso olwo kwettanirwa okungi okuliwo kati (kwa bitundu 90 ne 100 iku buli 100) okwe bimera bi nnakabala ebyembala engunje, kino kyoleka nga obungi bwe nnimiro bwebutuuse kumpi ku ntikko.

OBUKAKAFU OBWO KUSATTU. Omuwendo gw'ensi ezirima ebirime ebyembala engunje n'ebiensigo engattirire. Kunsi 27 ezalima ebirime ebyembala engunje mu 2013, 19 ku ezo zaali ezo ezikyaakula ate 8 zaali ezo ezaakula edda. Ensigo engattirire zasimbwa ku hekiteya ze nnimiro obukadde 47.1 oba ebitundu 27 ku buli 100.

OBUKAKAFU OBWOKUNA. 2013, gwe mwaaka ogwomuddiringanwa nga ensi ezikyaakula zisinga ezaakula edda okusimba hekiteya z'ennimiro ze bimera ebyembala

engunje. Naddala ensi zino zalima ebitundu 54 ku buli 100 (ze hekitaya obukadde 94) ogwe birime bino ebyembala engunje munsi yona okukira ezaakula edda ezaalima ebitundu 46 ku buli 100 (ze hekitaya eze nimiro obukadde 81). Enkolagana wakati wa gavumenti, abalimi namakampuni ga ssekinoomu agobwananyini za tandikibwaawo ensi eziwerako nga mw'otwalidde Brazil, Bangladesh ne Indonesia.

OBUKAKAFU OBWOKUTAANO. Gwe muwendo gwa balimi abalima ebimera ebyembala engunje. Mu 2013, likoda yabalimi obukadde 18, (kwe kulinnya kwa mitwaalo nsaavu (0.7m) mu 2012), bwalima ebimera bino-ekyettendo kiri nti abalimi 90 ku buli 100 oba obukadde 16.5 baali balimi banfuna mpola munsi ezikyaakula. Abalimi bewala nyo embeera eyoleka okufiirizibwa era bongera ku makungula gaabwe nga bemalira ku nnima gyebasobola okuyimirizawo (gamba nga okwemalira ku kulimira ebirime ku hekiteya ze nnimiro akawumbi 1.5.kokka , awo ne kitaasa ebibira no buttonde bwensi). Mu 2013, likoda y'obukadde bw'abalimi b'obulimiro obutono obukadde 7.5 mu ggwanga lya China, n'obulala 7.3 e Buyindi bwasalawo okusiga hekiteya z'ennimiro za ppamba owe kika kya Bt obukadde 15 olw'emigaso egiwerako ensigo zino gyezireeta. Ate eyo mu Filipini abalimi emitwaalo 40 baaganyulwa mu kasooli ow'embala engunje.

OBUKAKAFU OBWO MUKAAGA. Ensi ettaano ezisinga okusiga ebimera ebyembala engunje-ensigo za kasooli agumira embeera ye kyeya ne soya ow'olulyo olugatte olwekika kya HT/IR zatandika okozesebw. United States yeyongera okweliisa enkuuli mu kwettanira enkozessa y'ebirime bino ne nnimiro obukadde 70.1 eza hekiteya; okutwaliza awamu y'enkozessa ya bitundu 90 ku buli 100 mu bimera byonna. Ekikulu enyo kiri nti kasooli agumira ekyeya yasimbwa abilimi 2000 mu United States ku hekitaya 50,000. Brazil yatwala kya kubiri , era guno mulundi gwa kutaano nga ensi eno ekola nga omutima gwe nkulakulana ye nnima y'ebirime bino munsi yona nga eyongera ku hekitaya ze nnimiro ze birime ebye mbala engunje okukira ensi endala yona- kuno kulinya kwa ttendo, okuweza obukadde 3.7 obwa hekiteya ze nnimiro, bye bitundu 10 ku buli 100 okuva mu 2012, okutuuka hekiteya obukadde 40.3. Brazil era yasimba ensigo ze kijanjaalo kya soya eky'olulyo olugatte olwekika kya HT/TR ku likoda za hekiteya obukadde 2.2 mu kutongozebw kwenkozessa ze nsigo zino. Ate ekijanjaalo kyeyegunjiza yo kenyinni ekigumira ebiwuka ebirumba ebimera kituuse okutundibwa ku katale ke nsigo ne birime bino.

Argentina yo yasigala mu kifo kyaayo ekyo kusatu ne nnimiro za hekiteya obukadde 24.4. Buyindi yajjavo Canada mu kifo ekyokuna ne likoda ye nnimiro obukadda 11 obwa ppamba owe kika kya Bt,buno bujjumbinze obw'enkozessa eno bwa bitundu 95 ku buli 100.Canada yatwala kya kutaano ne hekiteya ze nnimiro obukadde 10.8, wabula okusimbwa kwe kika kya Canola kwo kwa kendeera naye okwettanirwa kwenkozessa y'ebimera bino mu ggwanga lino kwalemerayo ku bitundu 96 ku buli 100i.

OBUKAKAFU OBWO MUSANVU; Embeera ye birim'ebiyembala engunje mu Africa. Ssemazinga ono yeyongera okugenda mu maaso mu nkozesza ye birime bino nga South Africa eganyulwa mu nkozessa yaabyo okumala ebanga erisuka mu myaaka kumi. Burkina Faso ne Sudan zayongeza ku hekiteya ze nnimiro ze kirime kya Ppamba we kika kya Bt.ebitundu eby'ekitalo 50 ku buli 100 ne 300 ku buli 100 buli nsi, mu gwe 2013. Ensi

musanvu (Cameroon, Misiri, Ghana, Kenya, Malawi, Nigeria ne Uganda) za gezes a ebirime bino mu nnimiro; guno gwe mutendera ogudirira ogusembayo ebimera bino bilyok e bikkirizibwe okukozesewa mu katala ke birime. Ekikulu kiri nti polojekiti ya WEMA eteeseteese okutuusa kasooli ow'embala engunje agumira ekyeya ku lukalu lwa Africa mu 2017.

Obutaba na biragiro ebifuga enkola ennungamu eze kisayansi ate nga zitwaala omuwendo ne biseera bitono ezirambulula ebigendererwa, kye kikyalobera okwettanirwa kwe nkoyessa ye birime bino. Wetaagibwawo amateeka ago buvunanyizibwa, amalambike obulungi naye ng'ate si makakali nyo, n'okusingira ddala ku lwa ago amawanga amatono agakyakula.

OBUKAKAFU OBWO MUNAANA; Embeera ye birime bino mu mawanga ga EU. Amawanga ataano (Spain, Portugal, Czech republic, Slovakia ne Romania) zalima kasooli ku likoda yo bungi bwa hekiteya 148,013 kwe kulinya kwa bitundu 15 ku buli 100 okuva mu 2012. Spain yeyasinga mu EU ne hekiteya 136,962 eza kasooli owe kika kya Bt, kwe kulinya kwa bitundu 18 ku buli 100 mu 2012, okutuuka ku likoda ye bitundu 31 ku buli 100 mu 2013 mubujjumbize bwenkozesa ye bimera bino.

OBUKAKAFU OBWO MWENDA ; Emigaso egiri mu birime by'embala engunje Okuva mu 1996 okutuuka mu 2012, ebimera ebyembala engunje byayamba ku kwongera ku; bungi bwe mmere (n'emmere emala); mbeera eya namaddala; okukuuma obutonde bwensi n'embeera y'obudde nga byongeza ku mmere erimibwa ebaliribwaamu obuwumbi bwe nsimbi za dollar za America obuwumbi 116.9. Ne bwongera ku bulungi bw'obutonde bwensi nga bukendeeza ku bungi bwenkozesa y'eddagala erifuuyirwa ebiwuka ebirumba ebimera lya kg obukadde 497, mu 2012 gwoka bwakendeeza obuwumbi bwa kg 26.7 obwo muka gwe kika kya CO₂ nga kino okigerageranya no kujja emmotoka obukadde 11.8 ku nguudo okumala omwaaka mulamba.

OBUKAKAFU OBWE KKUMI ; EBISUUBIRWA Essuubi we liri naye nga lyegendereza obutaluubirira biyitiridde nyo. Wabula go amagoba amatonotonu gasuubirwa mu nkoyessa eyomuggundu eriwo kati mu birime bino ebyembala engunje mu mwaaka, naddala ebyo bi nnakabala mu butale obugundiide mu ago amawanga agakyaakula n'ago agaakula edda. Bangladesh, Indonesia ne Panama zakkiriza okusimbwa kw'ebimera bino ebyembala engunje mu 2013 nga zisuubira okuyingira ettunzi lye bimera bino mu gwe 2014.

ISAAA si kitongole kya busuubuzi ekigenderera okufuna amagoba, kiwagirwa gavumenti ne bitongole ebisuubuzi. Omuwendo gwa hekiteya ze nimiro ze birime ebyembala ogufulumira mu biwandiiko bya ISAAA gutwaalibwa wamu wadde nga mulimu endyo ez'embala engatte nyingi ez'enjawulo eziri mu bimera byonna. Ebisingawo bisange mu kiwandiiko kya ISAAA namba 46 "*Global Status of Commercialized Biotech/GM Crops: 2012*"(Embeera y'ebirime ebyembala engunje ebyettunzi munsi yonna:2013) ekyawandiikibwa Clive James. Okumanyisibwa okusingawo kusange ku mukutu gwa Yintaneti oguyitibwa <http://www.isaaa.org> oba tuukirira ISAAA AfriCenter ku ssimu nnamba +254204223618, oba ku email africenter@isaaa.org.